Okusumululwa Mu Bujjuvu

Mbadde ssimanyi kya kwogera enkya ya leero. Mbadde ntudde awo n'Ow'oluganda Egan, ne mpulira... Ow'oluganda Neville abadde alina ky'ayogera, nga antunuulidde. Kye nvudde mbuuza Ow'oluganda Egan nti, "Ayita nze?"

N'agamba nti, "Yee."

2 Era kati nzuuno wano okubaako ne kye njogera enkya ya leero. Mbadde ndowooza, bwe mbadde...Faani eyo, we ba... esika eddoboozi, owuliranga nga erisika, bw'oba oyogera. Faani eyo ebeera nga esika eddoboozi.

Mbadde mpuliriza...obujulizi bwe mbadde ŋŋenze munda wali okubaako omukazi gwe nsabira ku ssimu. Ate eyaweereddwa obubaka, yeerabidde okuteekako ekibuga eky'ekifo gye tulina okukuba essimu, okuva ewa mukyala wa Dokita Morrison. Era ka mbabuulire kye nkoze, olw'okusaba kwammwe kwonna, wamu n'okwange. Nteese buteesi mikono ku ssimu, ne nsonga ku nnamba y'essimu, yonna gy'erina okulaga, ne nsaba Omwoyo Omutukuvu agende eri omukazi oyo. Era nzikiriza nti n'essaala bw'etyo nayo Agiwulira mu ngeri y'emu nga bwe Yandiwulidde singa tubadde...Mukiraba? Bwe mmalirizza ne ngiteeka wansi. Era kisoboka okuba nti bw'atyo Mukama bw'ayagadde kikolebwe. Mukiraba? Kisoboka okuba nga kibadde kya kukola bulungi mu ngeri eyo.

3 Kati bwe mbadde munda eyo mpulidde obujulizi, nga waliwo omuntu agamba nti Mwannyinaffe Rook yafuna...Alabika Ow'oluganda Neville y'akyogedde nti yali yafuna e—ekizibu ku bwongo, oba ekintu ekifaanana bwe kityo. Leka tunywerere ku Katonda ku lw'ensonga eyo, tujjukire kino nti: Katonda amanyi Ababe. Amanyi byonna ebibakwatako.

4 Ab'emabega muwulira bulungi? Bwe muba temuwulira bulungi, wano waliwo ebifo ebitaliimu bantu. Osobola okukyuusa bw'oba oyagadde. Kati, leka tulabe, *kano* ke kazindaalo akatugatta ffenna? [Ow'oluganda addamu nti, "Nedda, ssebo."—Omuk.] Kano *wano* ke katugatta? Kale. Leka tulabe oba tusobola okukasembezaako wano katono. Kiri kitya bwe nkazza wano eno, Gene? Awo kajja kuba kasika bulungi. Kati oluusi eddoboozi lyange ligira ne lisaakaala; mmaze ebbanga ddene nga mbuulira. Awo wali watya? Muwulira bulungi awo?

5 Kati mazima ddala ensonga zino tugenda kuzijjukira mu kusaba. Era twagala okubategeeza ebyali mu lukuŋŋaana olwali olulungi ennyo lwe twalina mu...

Oyo gwe nnengera ye Mwannyinaffe Rook? Nnina omukyala gwe nnengedde emabega awo amufaanana mbadde ndowooza ye ye. Mbadde ndowooza nti, "Mazima ssibeera nga mpubiddwa." Bwe nnengedde omuntu amufaanana, emabega eri. Ali mu ddwaliro lya Saint Edward Hospital.

6 Era kati, mu Cleveland, Tennessee, ne mu California, twalina enkuŋŋaana ennungi ennyo. Mukama yatuwa omukisa mu ngeri ey'ekitalo, era Yakola ebintu bingi nnyo ddala. Era tuli basanyufu olw'ekyo. Tuli basanyufu okukomawo eri ekibiina kyaffe, nga tubawa amawulire agakwata ku bulungi wamu n'okusaasira kwa Katonda. Bwe batyo bwe baakola mu Bayibuli.

7 Njagadde nnyo Ow'oluganda Neville, manyanga essaala y'Ow'oluganda Beeler, bw'asabidde abantu, n'a—n'asaba bafune okuyambibwa awamu n'okusaasirwa. Era ssinga, bulijjo, tugenda mu maaso ne twekkaanya, buli ekigenda mu maaso, ojja kukizuula nti mu byonna mubaamu ekintu ddala ekyannamaddala. N'ekirala Ow'oluganda Neville bw'azze n'ayita abadiikoni bano, n'abalala, okujja wano ku kituuti, o—okulangirira emikisa gya Katonda ku—ku biweebwayo ebikuŋŋaanyiziddwa mu kkanisa, mmuwulidde mu kusaba kwe eri Katonda, nga ayogera ku basajja abo, engeri buli omu gye yasabirangamu munne. Era ekyo kinkola bulungi nnyo okuwulira omusumba asobola okusabira abadiikoni be, n'abadiikoni ne basabira omusumba. Bw'olaba ekkanisa ekolaganira awamu bw'etyo, mazima, wabaawo ekintu ekiba kinaatera okubaawo. Bw'etyo ekkanisa bw'erina okuba mu nkola ennuŋŋamu. Era ekyo kimpadde ekirowoozo eky'omutwe ogw'okuyigirizaako. Mbadde ŋŋenda kubuulira ku mukisa ogw'e Kadesu, n'okugaana okuwuliriza amawulire agaaleetebwa abakessi, naye ekyo bwe kibaddewo, endowooza yange ngikyusizza ne ngizza ku kintu ekirala.

8 Naye kati, ku bikwata ku kuwonyezebwa, nnina obujulizi obutonotono bwe njagala okubawa. Mbadde nsuubira nti nnaalaba mutabani wange, Billy, emabega wali, naye obujulizi obwo y'abulina mu nsawo ye.

Era kati Billy agenda yeeyongera okukola obulungi mu nkuŋŋaana, okusinga bwe yali. Yabeeranga ku bunkenke, nga yenna tateredde wamu, era yabeeranga agamba abantu nti, "Ah, genda otuule wansi! Genda otuule wansi!" N'abagamba nti, "Nja kukuwa kaadi y'ab'okusabirwa." Naye nneetegerezza, gye buvuddeko katono nti, waliwo abantu abajja mu lukuŋŋaana n'abakwatirwa ekisa. Bw'aba talina kaadi z'ab'okusabirwa z'asigazzaawo, abateeka mu kasenge nsobole okugenda mbasabire.

9 Era ekintu bwe kityo kyabaawo mu Chicago, lwe twaliyo omulundi ogwasembayo. Era ebbaluwa eyo njagala ngisome bw'anaaba azze. Simulabye bwe mbadde nzija. Teyategedde

nti mbadde wa kujja wano, enkya ya leero, era—era nti—era nti ebbaluwa eyo ngyetaaga. Naye ngirowoozezzaako bwe ndowoozezza ku ndwadde ennyingi. Kati yali egamba bw'eti. Bbaluwa eyakakasibwa nti . . .

Nnali nsoma mu lupapula lw'amawulire, (baali; tebaŋŋambangako) nti waliwo ekiseera ab'empapula z'amawulire lwe baali bakolokota Oral Roberts, olw'okusabira omukazi eyali omulwadde wa sukaali n'afa. Ate nze, kati, nga Omumerika, nja—njagala nnyo okuwuliriza amateeka ne—n'omuntu oyo yenna aba ali mu buyinza. Naye ndowooza nti ekyo tekyali kya bwenkanya. Mbuusabuusa oba nga basobola, okuteeka mu mpapula z'amawulire, abo bonna Oral Roberts be yali asabidde ne bawona, nga abasawo baali babalemereddwa. Mbuusabuusa, oba nga basobola okukikola nabo ne babawandiikako, olaba. Tebayinza kukikola. Naye era ndowooza nti oba oli awo ssetaani y'ababuzaabuza bw'atyo, nti, era Katonda y'akiganya kibeerewo, kibeere nti ku Lunaku lw'Omusango balikyanukulira. Naye mmanyi enkumi n'enkumi z'abantu Oral Roberts b'asabidde, abaali bagenda okufa, ne bawona.

10 N'olwekyo, olaba, bo, mu nsonga eyo si benkanya. Bajja kuwandiika ku by'oludda lwabwe, eby'okukolokota, naye oludda luli olulala tebajja kuluwandiikako. Kati, olupapula lw'amawulire lusaanidde okumanyisa abantu ku biki ebigenda mu maaso. Era ku bwange ndowooza, nti abantu bwe baba nga ddala bafaayo buli omu ku munne, omuntu bwe yandiwonyezeddwa, n'awonera ddala, obujulizi obwo buli lupapula lw'amawulire mu Amerika lwandibuwandiiseeko. Naye tosobola kubapangisa kukikola. Nedda. Gwe twalayo ekintu nga ekyo, bajja kukiŋŋoola era bakisekerere, bakikugobye. Naye ate bwe wabaawo ekintu eky'okwogerako obubi . . . Ekyo kiraga bulazi nti eggwanga lino lyengeredde omusango. Bwe kiri. Era wateekwa okubaawo omusango, era tewali ngeri yonna ya kugusimattuka. Era beekuŋŋanyizaako muliro ku mitwe gyabwe, n'ebirala. Ate nga e—e . . . baawaba ne bava, ku nnono kwe balina okutambulira! Olupapula lw'amawulire, ennono kwe lutambulira, kwe ku—kwe kutegeeza abantu ku kintu kyonna ekiba kibaddewo, oba kirungi oba kibi. Naye ennono zaabwe kwe balina okutambulira baazivaako dda. Era bwe bawaba ne bava ku nnono zaabwe kwe balina okutambulira, kitegeeza—kitegeeza ekigendererwa kyabwe baba tebajja kukikola nga bwe kirina kukolebwa.

11 Era ekyo ky'ekintu kye kimu n'eri ekkanisa. Ekkanisa bw'ewaba n'eva ku nnono zaayo, tesobola kuweereza batukuvu mu ngeri ntuufu. Tulina okusigala nga tuli wamu, tulina kubeera bumu. Tulina okuba n'omutima gumu n'emmeeme emu. Bwe kitaba bwe kityo, tetuliyinza kuweereza Katonda oba abantu, okuggyako nga tulina omutima gumu n'emmeeme

emu, okunywerera ku nnono za Bayibuli n'ebintu Katonda bye yagamba nti bye bituufu. Bulijjo tuteekwa okubinywererako.

12 Billy yasoberwa mu kasenge akamu, mu Chicago, ya... Waliwo omuntu eyajja gy'ali, yali mukazi wamu ne bba, nga alina kookolo ow'omu mawuggwe, nga agenda kufa. Ate mukyala we yali mulwadde wa polio nga atambulira mu kagaali k'abalema, nga bambi y'agezaako okulabirira omusajja eyali takyasobola na kuyimirira, nga alina kookolo ow'omu mawuggwe. Billy n'amugamba, nti, "Nsa—nsaba kunsonyiwa, ssebo." N'agamba nti, "Nandyagadde okukuwa kaadi ey'ab'okusabirwa." N'agamba nti, "Naye si—sisigazza n'emu."

13 Omusajja kye yava amugamba nti, "Kale, mutabani." N'agamba nti, "Tekirina mutawaana." N'agamba nti, "Tugezezzaako okujja wano, naye tetuyambiddwa."

14 Billy kye yava amugamba nti, "Ka nkubuulire ky'oba okola." N'agamba nti, "Ŋŋenda kukima taata. Nze ŋŋenda okumuyingiza, era nze nja okumufulumya." N'agamba nti, "Bwe nnaaba mmuleese, amangu ddala nga mumaze okuwuliriza Obubaka bwe nga abuulira," n'agamba nti, "ddira ggwe... manyanga mufulume ggwe ne mukyala wo, muyingire mu kasenge akatono akali awo we mpita, era nja kumuleeta abasabire."

15 Omusajja n'agamba nti, "O, nga ofuddeyo nnyo gye tuli, mutabani. Ekyo kirungi nnyo ddala." Mukiraba? Eyo y'e—eyo y'endowooza entuufu. Mukiraba? "Kirungi nnyo ddala. Ekyo kirungi." Mukiraba?

16 Kati ekiro ekyo, Billy, bwe yaddayo mu kasenge ako, era nga tannakola kye yali ayogedde, yalinayo mukoddomi we eyali avaamu omusaayi mu mawuggwe. Nga alinayo ne mulamu we, eyali avaamu omusaayi mu lubuto, nga mulwadde wa alusa, nga nabo baali bazze ne bali, nga bagezaako okubayamba okuyingira. Olina okwegendereza, kubanga oyinza okumaliriza nga akasenge konna, kajjudde. Naye bwe twabayitamu ne tugenda nga tubasabira, oluvannyuma twafuna ebbaluwa, eyajja okuyita mu posita, nti omusajja oyo yawonera ddala kookolo oyo ow'omu mawuggwe. Omukazi, mukyala we eyali mu kagaali k'abalema, nga naye yakavaamu, atambula bulungi nga bwe yali. Omusajja eyali avaamu omusaayi mu—mu mawuggwe, olw'endwadde y'akafuba, nga naye yawonera ddala. Ne mukyala we nga naye alusa zaawona. Bonna bana baawonera, ddala! Ssimanyi oba nga ab'empapula z'amawulire ekyo bandikkirizza okukiwandiikako. Mukiraba? Mukiraba? Mukiraba? O! Naye Katonda akyali Katonda. Ebintu Abikola mu ngeri Ye, omanyi, era Mulungi nnyo. Tuli basanyufu nnyo okumanya nti Ye Katonda.

17 Luli ku makya twali twogera ku mubuulizi omu gwe tumanyi, eyateranga okugenda, nga asabira abalwadde awamu n'ebirala. Era alina omuntu omu gwe yagenda n'asabira mu ddwaaliro erimu mu Louisville, eyali omulwadde w'akafuba, omukyala n'afa. Musajja wattu n'agamba nti, "Kati, tewali nsonga . . . Katonda ta . . . Katonda taliiyo. Singa abadde gy'ali yandikuumye Ekigambo Kye." N'agamba nti, "Omukyala mmusiize amafuta ddala ddala nga—nga Bayibuli bw'egamba. Bw'Atakuuma Kigambo Kye, Aba si Katonda." N'agamba nti, "Kiba kitabo butabo."

18 Kati, ekyo weewaawo bwe kityo bwe kijja okulabika okuggyako nga Katonda omutegeera bulungi. Ekyo weewaawo kitundu ku Byawandiikibwa, naye ekyo si by'Ebyawandiikibwa byonna. Kibaawo okusinziira ku kukkiriza kw'omuntu oyo. Okiraba?

19 Era nnagamba mukyala wange, nti, "Waliwo ebintu bingi nnyo ebibaddewo, bye mmanyi nti bibaddewo. Ssimanyi kigenda kuntuukako ku nkomerero. Nange nnyinza okukomekkereza mu ngeri y'emu. Singa Katonda amala n'anzigyako omukono Gwe ogw'okusaasira, nange mba nja kukomekkereza mu ngeri y'emu. Naye kasita anaabeera nga Akyankuumiddeko omukono Gwe ogw'okusaasira n'okuluŋŋamizibwa, nja kusigala nga ŋŋenda mu maaso." Naye ne mbuuza Meda, nti, "Yali ani eyalabika mu kisenge ku olwo enkeera ku makya oluvannyuma lw'okulaba okwolesebwa nga ndaba muwala wange omuto, Sharon?"

20 Ye ate n'ekirala, luli, kaabula kata nzirike. Nnali ntudde ku kkubo. Kati mumanyi ebikwata ku kwolesebwa kwa muwala wange kwe nnafuna, oluvannyuma. ŋŋenda okulaba, ku ludda lwange, ne wajja omuwala omuto nga ajja atambula mu kkubo wano mu Jeffersonville, nga afaananira ddala nga gwe nnalaba mu kwolesebwa okwo. Nnagatta buggassi wamu emikono gyange. Nga afaananira ddala nga gwe nnalaba mu kwolesebwa kuli kwe nnalaba okwa muwala wange omuto Sharon! Yali muwala muto we yafiira.

21 Era oluvannyuma lw'okwolesebwa okwo ku olwo ku makya, bwe nneeraba nga ndi mu Kitiibwa, na . . . Hope yali aŋŋamba, yali atadde omukono gwe ku kibegabega kyange, nga agamba nti, "Ffe totweraliikirira, Bill. Tuli bulungi." Nnali ngezaako okwetta. N'aŋŋamba nti, "Teweeraliikirira. Nsuubiza nti togenda kuddamu kweraliikirira."

22 Ne mmugamba nti, "Ssisobola kukisuubiza, Hope, kubanga ndi—ndi—ndi . . . Nneeraliikirira. Ssisobola kukyebeera."

23 Era bwe nnava mu kwolesebwa, nneesanga nnyimiridde mu kisenge ekyali kijjudde enzikiza. Era nga si kwolesebwa, nga si kufumiitiriza, naye omukono gwe gwali gukyanneetoolodde. Era yali ansiisiitira ku mabega gange. Muli kye nnava ŋŋamba nti, "Naye sooka olindeko. Kuno si . . . " Nnali ssimanyi kya kukiyita

mu biro ebyo, nti kwolesebwa. Nakiyita kuwaanyisibwa. Ne ŋŋamba nti, "Kuno si ku . . . Nga omukono gwe gukyandiko." Kye nnava mbuuza nti, "Hope, wooli?"

24 N'agamba nti, "Bill, nsuubiza nti togenda kuddamu kutweraliikirirako nze ne Sharon." Kubanga, nnali ntuuse ku nkomerero y'olugendo. Nnali mwetegefu okwetta.

Ne mmuddamu nti, "Nkusuubiza." N'angwa mu kifuba, n'ansiisiitira n'omukono gwe.

Kye nnava mu—mmubuuza nti, "Hope, oli wa?" Ne nkwata . . . ne mpammanta, okutuusa lwe nnakwata ku kajegere akatono akateekako ettaala ne nkasika. Ne ntambulatambula mu kisenge mwonna, ne nnoonya wonna mu ntebe, okulaba oba nga yalina w'atudde.

Ye Katonda. Akyali Katonda ddala, leero, nga bwe Yali ku Lusozi Olw'okuwaanyisibwa Musa ne Eriya we baalabikira. Akyali Katonda.

25 Tuyinza okuyita mu mitawaana n'ebigezo ebingi. Naye mujjukire nti, waliwo Omuntu omu Amanyi, amulisa ekkubo, n'alifuula eryannamaddala. Simanyi kiri busukka ggigi. Naye mmanyi ekintu kimu, nti nnyigiriza okutuuka awali okuyitibwa okwa waggulu, buli lunaku nga ngezaako okweteekateekera ekintu ekyo ekikulu lumu ekiribaawo lwe ndimulaba, maaso ku maaso, ne nnyumya ku butya, "Bwe nnalokolebwa olw'ekisa." Olwo lwe lunaku lwe nnindiridde. Nga nneerabira ebyo eby'emabega, ebyayita, njagala okunyigiriza nga ŋŋenda mu maaso, nneeyongere okugenda mu maaso.

26 Njagala ekkuŋŋaaniro lino, kaakano nga bwe mukuze, njagala mweyongere okunyigiriza nga mugenda mu maaso okutuuka awali okuyitibwa okwa waggulu. Buli kintu kyonna kye mukola, mubeere bumu, mubeere ba kika kimu ddala nga bwe kisoboka, naye nga bulijjo mugolodde omukono, okutuuka eri omulala gwe mutuukako okumuleeta, mumuyingize munda. Naye mu Kukkiriza kuno kaakano kwe tubuulira era kwe tuwakanira, temusegukanga wadde yinci emu bw'eti okukuvaako. Kubanga, bwe muba munzikiriza nti ndi muweereza We, eno y'entegeka ya Katonda. Teribeera mu bangi. Bulijjo ejja kubeera mu batono, bw'etyo bw'ebaddenga era bw'etyo bw'eriba. Naye, mujjukire nti, kyawandiikibwa nti, "Temutya, mmwe ekisibo ekitono; kwagala kwa Kitammwe okubawa Obwakabaka."

27 Kati, waliwo woofiisi ez'enjawulo ez'ekkanisa yaffe, abadiikoni, abayima, akulira Ssande sukuulu, abasumba, ekkanisa yaffe nga bwe yategekebwa. Era mmwe, abantu, abaweereza bano abali mu woofiisi zino mmwe mwabalonda wamu n'omusumba ono. Nze ndiwo nga mulabirizi, kulaba nti buli kimu kitambula bulungi, n'okubaako we mpabula n'ebirala bwe bityo. Mmwe mulonda omusumba wammwe,

mmwe mulonda abayima bammwe, mmwe mulonda abadiikoni bammwe, mmwe mulonda buli woofiisi eri mu kkanisa eno; mmwe, abantu. Era buvunaanyizibwa bwammwe okuyimirira n'abasajja abo, mukiraba, kubanga bajja kukola ensobi. Nabo bantu. Bantu buntu, era bajja kukola ensobi. Naye Pulezidenti w'Amerika singa abaako ensobi gy'akola, tumugoba bugobi, ne tumujja ku bwa Pulezidenti? Ensobi eyo tugyerabira ne tugenda mu maaso. Kati naffe bwe tutyo bwe twagala okukola mu kkanisa yaffe. Mbadde mmuwuliriza, eddakiika ntono eziyise, bw'abadde asabira abadiikoni abo. Era mpulidde n'okuva mu kibiina, obujulizi, eri ku luggi, okuva eri abayima, nga bugamba nga mwenna bwe mulina emmeeme emu. Kaakati musigale bwe mutyo. Kati, mmwe ba mmemba muyimirire wamu n'abayima bano, n'abadiikoni, wamu n'omusumba. Era mujjukire nti, bwe munaabeera n'obumu obwo bwe mutyo, mujjukire nti mulimo gwa ssetaani okulaba nti obumu obwo bumenyebwa. Kati bulijjo bwe kibaddenga era bwe kityo bwe kiriba. Naye muyimirire wamu n'abaweereza bammwe, era ekyo kye mbadde ŋŋenda okwogerako.

28 Era nninawo wano ne...ebirango amakya ga leero eby'okutimba awatimbibwa ebirango, ebikwata ku kusisinkana kw'obukiiko obufuzi n'ababutuulako. Era bijja kutimbibwa wali awatimbibwa ebirango. Era nnina kkopi ey'okuwa Ow'oluganda Roberson, nga ye ssentebe w'abadi...w'abayima. Nnina ne kkopi ey'okuwa Ow'oluganda Collins, ndowooza, y'akola nga ssentebe w'akakiiko k'abadiikoni. Era kati, woofiisi zino zonna zaateekebwaawo okusinziira ku Byawandiikibwa, era ziteekwa okuba n'enkola eri mu Byawandiikibwa ey'ebyo bye ziteekwa okukola. N'olwekyo, abayima balina woofiisi yaabwe eyeetongodde. N'abadiikoni balina woofiisi yaabwe eyeetongodde. N'akulira Ssande sukuulu alina woofiisi ye eyeetongodde. Era omusumba ye mutwe gw'ekisibo.

29 Kati, buli emu ku woofiisi zino erina ebintu by'efaanaganya ne woofiisi endala. Naye ndowooza nti enkiiko zammwe temusaanidde kuzikolera wamu, wabula buli woofiisi esaanidde okuba n'olwaayo yokka, kubanga abadiikoni baba tebalina kye bagamba bayima okuggyako nga balina ensonga gye baagala okubanjulira. Era ne bali bwe batyo, abayima bavunaanyizibwa ku ssente n'ebintu ebikwata ku kizimbe; tebalina kakwate konna na badiikoni. Abadiikoni be basirikale b'ekkanisa, era be bayamba ku musumba. Ate abayima be bavunaanyizibwa ku bintu ekkanisa by'erinako obwannannyini. Abayima tebavunaanyizibwa ku nsonga za mwoyo, n'abadiikoni tebavunaanyizibwa ku bikwata ku ssente. N'olwekyo, bwe kityo bwe kirina okuba. N'akulira Ssande sukuulu naye avunaanyizibwa ku Ssande sukuulu ye. Kale byonna mbirina wano, byakubiddwa mu kyaapa, okusobola okuba nga bitimbibwa awatimbibwa ebirango.

30 N'ekirala tugenda kufuna, ekifaananyi tukiwange, ekiriko Enjigiriza y'ekkanisa gy'ekkiririzaamu, tukiwanike wano eno, mu kkanisa; nga kiriko bye tukkiririzaamu, e—ennono, Enjigiriza y'ekkanisa. Kati, okusobola okubeera ekkanisa, tulina okuba n'enjigiriza.

31 Tetumala gassaawo nsalo, ne tugamba nti, "Ffe tukoma *wano*." Tukunuukkiriza, ne tussa kimu na buli omu, Katonda gw'aba atuganyizza okutambula naye, mu buufu bw'Ebyawandiikibwa Bye, wamu n'abantu. Kale kaakati mubeere bumu, mubeere n'emmeeme emu, n'omutima gumu, mugende mu maaso ku lwa Katonda. Bw'atyo Katonda bw'ayagala tukole.

Kaakano ka tusabe, oluvannyuma tubikkule Ekigambo.

32 Ai Mukama ow'omuwendo, kaakano tunaatera okusemberera Ekigambo kya Katonda, manya tunaatera okusoma Ekigambo kino. Tukusaba Omwoyo Wo Omutukuvu atuvvunulire ekyo kye twetaaga. Era leka twogere, ayi Mukama, era tukole era tubeerewo, nga tukimanyi nti ffenna tuli baana Bo, olw'ekisa, nga bwe Watuyita. Tusaba wabeewo okussa ekimu mu kkanisa eno, nga bwe tulaba nti tunaatera okubaako ekintu eky'amaanyi kye tuyingiramu, tuwulira, twagala okubaako abaweereza abalala be tuyimusa okugenda ebweru eyo okubuulira enjiri, bw'Onaaba ontumye mu bitundu by'ensi eby'enjawulo, tusimbeyo Okukkiriza kuno, era tubeeko omuweereza ategekeddwa era omwetegefu, era nga atendekeddwa okutwala mu maaso obuvunaanyizibwa obwo. Era tusaba nti leka Okukkiriza okwo okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu, kwe tukkiririza ddala n'obwesimbu, kufuuke enkulungo eyeetooloola ensi yonna. Kituwe, ayi Mukama. Tusaba nti ensiko eno, nga bwe yali lumu bwe twali tugiwongayo gy'Oli, tusaba wasitukewo ekkanisa wano, ayi Mukama, mu yo muveemu abaweereza n'ababuulizi b'enjiri n'abayigiriza n'abaminsani, okugenda mu bitundu byonna eby'ensi.

33 Tusaba, enkya ya leero, omukisa ogw'enjawulo eri Muganda waffe ne Mwannyinaffe Stricker abanyigirizibwa mu kaseera kano. Naye tumanyi nga ffenna tuyita mu kugezesebwa kuno. Buli mwana ajja eri Katonda ateekwa okukangavvulwa, n'okugezesebwa. Era bwe tumala gawanika ne tubivaako, ne tuddayo emabega, olwo tuba baana abeeboolereze, nga tetuli baana ba Katonda. Wa Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Stricker amaanyi wamu n'embavu, okusobola okunywerera ku buvunaanyizibwa bwabwe. Bwe kibeetaagisa okusabiriza kye banaalya, leka omukono Gwo ogw'omukisa gubabeereko. Kubanga tetumanyi naye kiyinzika okuba nti okuyita mu kufuba okwo kwennyini mw'Onaayita okulaga bannansi b'omu Afirika Omukristaayo owa nnamaddala bw'afaanana. Kikkirize, ayi Mukama. Kaakano leka byonna bikolebwe okusinziira nga Ggwe bw'oyagala.

34 Wa omukisa omusumba ono, Ow'oluganda Neville. Tukusaba, ayi Mukama, Omufuule omusumba w'ekisibo, nga bwe Wakikola mu myaka egiyise. Era tetuyinza kwerabira mukyala we omwagalwa, omulwadde ennyo. Omulabe ayagala kuleka Ow'oluganda Neville n'ekibinja ky'abaana abo, nga tebalina maama, naye olw'okukkiriza, tuyimirira era tuteeka, Omusaayi gwa Yesu Kristo wakati w'omulabe oyo ne mwannyinaffe. Leka Omwoyo Wo, ayi Mukama, abeere wa maanyi gy'ali, nga tumanyi nti abakazi bonna kyabaawulirwa okuyita mu kiwonvu kino, eky'ekizikiza eky'omulembe guno, naye tukusaba Obeere wamu naye. Wa omukisa abaana abo. Kati agenda kubeera nga yeeraliikiridde, era nga tatebenkedde, naye leka Omwoyo Omutukuvu abeere ku luggi olw'okusaasira, ekiseera kyonna, ku lw'amaka ago.

35 Wa omukisa akakiiko kaffe ak'abayima, Ow'oluganda Wood, n'Ow'oluganda Egan, Ow'oluganda Roberson, n'abalala bonna, Mukama. Abadiikoni, abayima, n'abo bonna abalina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo mu kkanisa, tukusaba, ayi Mukama, Obasobozese okuweereza mu kisanja kyabwe n'obutukuvu awamu ne—n'obutuukirivu. Wa omukisa, ayi Mukama, abo abaaweereza mu biseera ebyayita. Era tukusaba Weeyongere okubeera naffe ffenna, tusobole okumanyibwa nga ekkanisa erimu obumu, n'Omwoyo n'okwagala ebya Mukama waffe. Tukusaba kaakano Otugabanyize Ekigambo, okusinziira ku bwetaavu bwaffe, nga bwe tusoma okuva mu Kigambo Kyo ekiwandiike. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

36 Mu kusaba, bwe tubadde tuwa omukisa ndowoozezza manyanga bwe tubadde tusabira emikisa abaakalondebwa . . . ab'akakiiko kaffe ak'abayima akapya n'abalala, ndowoozezza ku W'oluganda waffe Fleeman n'Ow'oluganda Deitzman abatudde wano, abaaweereza obulungi, mu biseera ebyayita. Era twagala okwebaza Katonda olw'okuweereza kwabwe okw'obwesigwa. Tubasabira Mukama abeerenga nabo, okubawa omukisa n'okubayamba. Njagala okusoma nga te . . . Kati mujjukire, ebirango n'ebirala, wamu n'enkuŋŋaana ezigenda okubaawo.

37 Era tuli basanyufu okuba nga tulina mu makkati gaffe, enkya ya leero . . . Kale, nnyinza okukyogera bwenti, omusajja abadde ow'omuwendo ennyo gyendi, mu biseera ebyayita, era nga ne kaakano akyali wa muwendo, ow'oluganda omulungi, Fred Sothmann, okuva . . . wamu ne mukyala we, okuva e Saskatchewan, mu Canada, ali wano okutambula naffe mu lugendo, nga mu ggwanga lyaffe, mugenyi; naye mu kussa ekimu kwaffe, waaluganda omwagalwa, Ow'oluganda Fred Sothmann atudde erudda wali. Y'eyali maneja w'enkuŋŋaana zange bwe nnali e Canada.

38 Era n'ow'oluganda omulala omwagalwa era naye eyali omutuuze w'e Canada, eyali omusuubuzi, era asobola okukakasa

eri ensi nti toyinza kugaba n'osukkuluma ku Katonda. Ye ne munne baatondawo ekibiina eky'okusonda ssente ez'okuzimba ekifo, manyanga, ekibiina, eky'okubunyisa enjiri mu mawanga amalala. Era bampita ŋŋende mu Oakland, mbeereyo n'olukuŋŋaana, ne baŋŋamba nti ssente bazirina. Buli kimu kyonna bajja kukisasulira, okuva mu kibiina kyabwe.

39 Ow'oluganda Fred nange twagezaako okukikola nga tukozesa ssente Ow'oluganda Fred ze yalina, ze nnagaana okutwala nga nze omuntu. Kale oluvannyuma twasalawo tuziwe bannansi b'e Canada era tuleme kukuŋŋaanya kiweebwaayo, naye tebyatambula bulungi nnyo. Enkuŋŋaana zaali nnungi. Naye olw'okuba tetwakuŋŋaanya kiweebwaayo. . . Sifaayo oba ekkanisa ezitowa obuwumbi bwa ddoola kikumi, era muvunaanyizibwa, eri Katonda, okukuŋŋaanya ekiweebwaayo. Ekyo kitundu ku kusinza. Era ekyo bw'okinyaga. . . Newankubadde mbadde nvumirira nnyo ssente n'ebintu eby'engeri eyo, nnakizuula nti, omuntu bw'aba mukyamu, kirungi n'okkiriza nti oli mukyamu, kubanga Ow'oluganda Fred nange twamaliriza tukirabye nti tekyavaayo nga bwe kirina kuba.

40 Era, Ow'oluganda Borders, bwe nnayawukana n'Ow'oluganda Fred ne nzija emmanga mu Oakland gye wali, nnabagamba nti, "Temugeza ne mukikola. Muyise akabbo, mukuŋŋaanye ekiweebwaayo, era, kyonna ekinaavaamu, mukizzeeyo mu kibiina kyammwe olw'olukuŋŋaana olulala awantu awalala."

41 Era enkuŋŋaana zaali tezinnaggwa, Ow'oluganda Border ne mikwano gye ne bajja gyendi, ne baŋŋamba nti, "Ssente zonna ze twatadde mu—mu lukuŋŋaana, zonna zikuŋŋanyiziddwa ne zikomawo."

42 Era okuva awo, ennaku ntono ezaakayita, yakola enteekateeka ez'okubeera n'olukuŋŋaana mu San Jose, California, gye yalina, ndowooza amakanisa nga nkaaga oba nsanvu okuva mu kikko, ag'enzikiriza ezitali zimu nga bakolaganira wamu. Twalina olukuŋŋaana oluyitirivu ennyo, era tuli ba kuddayo, mu Noovemba. Tuli basanyufu okuba naawe, Ow'oluganda Borders wamu n'Ow'oluganda Fred emabega wali. Kati abasajja bano mmwe muyinza okuba temubamanyi naye babadde baaluganda ba muwendo nnyo gyendi ebweru eyo mu njiri, nga bawakanira n'obwesimbu Okukkiriza kwe tukiikiridde. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Tuli basanyufu okubeera naawe enkya ya leero, mu kkuŋŋaaniro lino ekkadde. Teryegombesa kiri awo. Naye waliwo ekintu wano, kye tumanyi, nti Katonda abeerawo wano, okiraba, kale tuli basanyufu olw'ekyo. Waliwo n'ab'oluganda abalala abaagalwa, abali naffe leero, singa mbadde n'obudde okubanjula.

43 Kati nsuubira era nsaba nti mu nnaku ezijja mu maaso awo, Mukama bw'anaaba nga ayagadde, njagala okugenda, mpulira nga nnuŋŋamizibwa. . . Sinnaba kukirangirira. Olukuŋŋaana oluddako, lujja kubeera mu Ohio, tujja kubeera n'Owoluganda Sullivan, mu kibangirizi, mu kiseera ekitali kya wala. Ndowooza, ziringa mayiro kikumi zokka okutuukayo, Gene, bwe kityo awo. Kale lujja kuba lugendo lulungi, bw'oba tonnaba kutegeka wa gy'onabeera mu luwummula, Mukama bw'anaagenda mu maaso nga atuluŋŋamizza bw'atyo. Musajja mulungi nnyo, era tumusiima nnyo nnyini ddala, Ow'oluganda Sullivan. Kale. . . Ye mmeeya w'ekibuga. Yaliko mmeeya w'ekibuga, era nzaalwa y'e Kentucky ow'enkola eri ey'edda. Ekyo kye nnyinza okumwogerako. Bwe nnamusisinkana luli mu. . . Ffembi twakulira mmanga eri mu nsozi z'e Kentucky. Yambuuza nti, "Okyesiiga asafetida gwe weesiganga mu bulago, Billy?" Kati mulaba nga—nga bw'ali munna Kentucky ddala. Kati leka tubikkule mu. . .

Mu kino ssigezaako kutyoboola baganda bange abava mu Kentucky, Ow'oluganda Jeffries, n'abalala. Mukimanyi, nga nange kennyini, nva mu Kentucky. Muleke mbabuulire kye tuli. Tetuli ba Kentucky, ate era tetuli Bamerika. Tuli batambuze era bagenyi. Tunoonya Ekibuga ekigenda okujja.

44 Kati olw'okusoma, leka tusome okuva mu Kitabo ky'Okuva, okumala eddakiika entonotono. Njagala nsome okuva mu ssuula eya 23, n'olunyiriri olw'a 20 okutuuka ku lw'a 23, nga nalwo olutwaliddemu. Era njagala okutwala omutwe ogw'eky'okuyigako enkya ya leero, bwe guti, manya, ogugamba nti: *Okusumululwa Mu Bujjuvu*. Era sigenda kumala kiseera kiwanvu, nga mbuulira, kati nga bwe mbalindako okubikkula mu Kitabo kyammwe n'essuula.

> *Laba, ntuma Malayika mu maaso go, akukuume mu kkubo, era akuleete* eri *ekifo kye nnateekateeka.*
>
> *Mumutunuulire, . . . muwulire eddoboozi lye, temumusunguwaza; kubanga talibasonyiwa okwonoona kwammwe: kubanga erinnya lyange liri mu nda ye.*

Nkakasa ekibiina kimanyi Malayika ono yali Ani. "Erinnya Lyange liri mu Ye."

> Era *bw'onowuliriranga* ddala *eddoboozi lye, n'okolanga byonna bye njogera;* bwentyo *naababeereranga omulabe abalabe* bo, *era ndibaziyiza* abo *abakuziyiza.*
>
> *Kubanga Malayika wange alikulembera mu maaso go, n'akuleeta . . . eri Omwamoli, . . . n'eri Omukiiti, . . . Omuperizi, . . . Omukanani, . . . Omukiivi, n'eri . . . Omuyebusi: nange ndibazikiriza.*

45 Mukama awe omukisa Ekigambo Kye nga bwe twogera kaakano okumala eddakiika entonotono, bwe musaba. Nnabadde ndowooza ku ky'okuyigako kino, ekigamba nti: *Okusumululwa Mu Bujjuvu*.

Ekkanisa ebaddenga—n'omuwendo gw'abantu batono. Bulijjo bw'etyo bw'ejja okuba, mu bammemba, okutuusa Yesu lw'alijja. Naye Etambulira wansi wa mikisa Gyayo Katonda gye yagiwa. Nyabula singa tukitegeera, nti eno y'Ekkanisa ya Katonda omulamu; si Kkuŋŋaaniro lya Branham, naye Ekkuŋŋaaniro lya Branham liri kitundu butundu ku Yo. Waliwo n'amakkuŋŋaaniro amalala nga lino okwetoloola eggwanga lyonna.

46 Ow'oluganda Snelling, leero akawungeezi, ajja kubeera n'okubatiza. Nneerabidde Ow'oluganda Curtis yaŋŋambye okukiranga, manya yaŋŋambye jjo, nti wa kubeera n'okubatiza. Ajja kubatiza. Era wano bwe wabaawo omuntu yenna abadde, tabatizibwanga, kale, Ow'oluganda Snelling anaasanyuka okumubatiza, akawungeezi ka leero. Eyo ye Holiness Tabernacle mu Utica. Waliwo n'Ow'oluganda Junior Jackson, mu New Albany. Waliwo n'amakanisa amalala mangi nga ago mu ggwanga lyonna. Naye ffenna, kyenkana, tulinga, abatambulira ku ludda olw'okuwangulwa.

47 Nnawulidde Ow'oluganda Neville nga alangirira enkya ya leero, bwe nnabadde munda wali, ne kinzijira mu birowoozo byange, nti abantu balinga abagenda bava ku kusumululwa. Kirabikanga ekintu, abantu kye balabye entakera, nga kati, bakisindiikiriza eri nga bwe bagamba nti, "Ha, weewaawo, Katonda asobola okukikola." Naye eyo si y'endowooza entuufu.

48 Kati, Musa, bwe yayitibwa Katonda, yali nnabbi ddala, omujjuvu.

Katonda bw'atuma omuntu okubaako ekintu kyonna ky'akola, amuwa mu bujjuvu buli kimu kyonna kye yeetaaga. Katonda bw'ayita omusajja okubeera omubuulizi, Amuteekamu ekinaamusobozesa okubuulira. Bw'amuyita okubeera omuyigiriza, Amuteekamu ekinaamusobozesa okuyigiriza. Bw'Amuyita okuba nnabbi, Abaako ne ky'amuteekamu, okusobola okulaba okwolesebwa n'okuba nnabbi. Katonda bulijjo ayambaza omusajja We mu bujjuvu ebikozesebwa byonna ebyetaagisa.

Era ekyo kyennyini kye Yakola bwe yatuma Musa e Misiri. Yamukuza mu ngeri ey'enjawulo. Era n'Amuyigiriza mu ngeri ey'enjawulo, era n'Amubumba, era n'amukola, n'amuwunda. Oluvannyuma lw'okuba nti Yali yasuubiza Ibulayimu, emyaka bikumi na bikumi nga tekinnaba kubaawo, nti Alinunula abantu, mu kiseera ekyo we yamusuubiriza Ya—Yakirina mu birowoozo bye nti Alikola Musa mu ngeri yennyini nga Musa bwe

yakolebwa. Musa yali nnabbi omujjuvu. Era kati, nga bwe yali nnabbi omujjuvu, kati . . .

49 Kiringa ggwe, bw'oba nga oli Mukristaayo, Katonda takola Mukristaayo wa kitundu. Katonda akola Abakristaayo abajjuvu. Katonda takola babuulizi ba bitundu, naye omubuulizi asobola okuba ow'ekitundu. Era Katonda afuula abaana Be Abakristaayo, naye oluusi babeera Bakristaayo ba bitundu. Naye ekyo si ky'ekigendererwa kya Katonda bo okubeera bwe batyo. Wabula amakubo gaabwe ge geetabulatabula n'entegeka za Katonda z'alina ku lw'obulamu bwabwe, era ekyo kye kibaleetera okubeera ekyo kye bali. Katonda tayagala babeere Bakristaayo ba bitundu, oba babuulizi ba bitundu, nga bekkiriranya erudda n'erudda, oba . . . Ayagala bayimiririre ddala mu muwaatwa.

50 Kati, Musa, Katonda yamukola nga nnabbi omujjuvu, olw'obununuzi obujjuvu. Era Musa yeeweerayo ddala mu mikono gya Katonda. Ekyo kye kyamufuula kye yali. Yeeweerayo ddala mu bujjuvu eri Katonda okutuusa Katonda lwe yasobola okumwesiga.

51 Nneewuunya, enkya ya leero, nga Abakristaayo, oba nga twawaayo bye twagala okukola nga ffe, ne tweweerayo ddala mu bujjuvu eri Katonda, okutuusa Katonda w'asobolera okutwesigisa ekifo ekyo mw'Atutadde. Nneewuunya, enkya ya leero, nze kennyini, oba nga nsobola okweweerayo ddala eri Katonda okutuusa Katonda lw'asobola okunneesiga, n'asobola okwesiga Ow'oluganda Neville, n'asobola okwesiga akakiiko kaffe ak'abayima, n'asobola okwesiga akakiiko kaffe ak'abadiikoni, oba bammemba b'ekkanisa yaffe. Ffenna tulina ebifo byaffe, era tulina obuvunaanyizibwa.

52 Omuweereza alina ekifo eky'obuvunaanyizibwa, okuyimirira n'abuulira obuziba bw'obugagga bwa Kristo obutanoonyezeka, awatali kwekkiriranya, bw'aba yayitibwa okubeera omubuulizi. Tayinza kuttira muntu yenna ku liiso, bw'aba yayitibwa okubeera omubuulizi.

53 Ne mmemba w'ekkanisa, ayitiddwa okubeera mmemba w'ekibiina kino ekimu, naye tajja kwekkiriranya. Ekkanisa bw'eba ekkiriza nti tetuzannya zaala, mmemba oyo tateekwa yadde okukwata ku kapakiti ka matatu. Tetukkiririza mu kunywa mwenge, omwenge alina okugukubira ddala amabega. Bwe tuba tetukkiririza mu kuzannya zaala, oba okufuuwa sigala, mmemba w'ekkanisa eno ebintu ebyo talina yadde okubikwatako. Katonda awa obununuzi obujjuvu. Bwe tu . . .

Ajja kukikola singa tuneeweerayo ddala mu bujjuvu gy'Ali. Singa tuneeweerayo ddala mu bujjuvu mu mikono Gye, Katonda ajja kusobola okubeera mu ffe. Kristo, Essuubi ery'Ekitiibwa, Asobola okweyoleka n'Alabisibwa nga ayita mu ffe singa twejja mu kkubo. Kati awo ebirowoozo byaffe biba birowoozo Bye.

Osobola okukubamu akafaananyi nga Kristo anywa sigala? Osobola okukubamu akafaananyi nga Kristo anywa omwenge, oba nga azannya matatu? Kati nno omwoyo wo bw'aba ali kitundu ku Mwoyo We, Ayagala omwoyo wo y'omu oyo abeere ne mu kwatula kwo. Naye okkiriza ssetaani n'ayingira n'atwala obuyinza. Era ekiseera kyonna, mu mutima gwo, munda ddala eri, obeera okimanyi nti oli mu nsobi bw'okola ebintu ebyo.

Ne bwe wabeerawo mmemba omu n'ayogera obubi ku mmemba omulala, mukimanya bulungi nti ekyo kikyamu. Mulagirwa buli omu okusabira munne, so si oli kwogeranga bubi ku munne, wabula kwagalana. Era bwe wabaawo ali wansi, leka tumuyimuse, tumuyambe. Kaakati, ekyo kitufuula e—e—ekibiina ky'abakkiriza abalina obumu. Kaakati, ekyo bwe tutakigondera, tuba tetugondedde Katonda era tuba tunyiiza Katonda. Era olw'ensonga eyo, ekkanisa yaffe, abantu baffe tebayinza kugenda mu maaso, ekkanisa teyinza kugenda mu maaso, kubanga ffenna, tweyawuddeyawudde. Nga Yesu bwe yagamba nti, "Ekizimbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyonna."

54 Kati, singa akakiiko k'ekkanisa, oba leka tugambe a—abadiikoni, singa bajja ne bagamba nti twetaaga oku... nga balowooza nti tusaanye okuzimba ekkuŋŋaaniro eriggya. Abadiikoni bwe baba bwe batyo bwe basazeewo, ne beebuuza ku bayima naye nga tebalina ssente za kukikola, ne bakkiriziganya okubeera n'enteekateeka ey'okuzimba nga gye tulina kati. Era ekiteeso ekyo ne kyanjulibwa eri ekibiina kyonna eky'abakkiriza, nga bwe tusaanidde okuba, nga bwe kiri nti ekkanisa erina obuyinza obw'enkomeredde. Kati ekkanisa yonna bw'esalawo tuzimbe ekkuŋŋaaniro eriggya, ffenna tusaanye okukolaganira awamu tuzimbe ekkuŋŋaaniro eryo eriggya.

55 Eky'amazima, nze ku bwange, bwe baayogera ku ky'okuzimba ekkuŋŋaaniro eriggya, nze, nnali ssikkiriziganya nakyo. Bwe kiri. Nnabagamba nti, "Tetwetaaga kkuŋŋaaniro liggya. Ob'olyawo ne wano mu bbanga eritali lya wala nja kuba nvaawo, nga Mukama...kye Yandaga singa kituukirira. Ekkuŋŋaaniro eriggya twetaaga lyaki? Ne ssente zennyini tetuzirina."

56 Naye ne nzijja mpulire ekkanisa kye yali ewulira, okumaliriza nga ekkanisa, abasinga obungi, baali bakyagala. Kiki kye nnakola? Nneerekereza ebirowoozo byange ne nzisa kimu n'ekkanisa. Weewaawo, leka tukikole. Singa...Eyo y'engeri gye tukubamu akalulu, y'engeri gye kyakolebwanga mu biro bya Bayibuli, y'engeri ekkanisa gye yakubangamu akalulu. Obu—obuyinza obw'enkomeredde, ebibinja by'abantu, bikuŋŋaana wamu. Mu bumu mulimu amaanyi. Kale, na bwe kityo, nnagamba nti, "Mazima ddala, bwe kiba nga ekyo ekkanisa ky'eyagala, bwe kiba nga ekyo Katonda ky'ayagala,

Alina obuyinza bungi okulondawo nga ayita mu kibinja ky'abantu okusinga bw'Alina mu nze omu, kubanga sirina kwolesebwa kwa kugamba nti tekirina kukolebwa." N'olwekyo twakkaanya wamu n'ekkanisa, ne tutambula n'ekkanisa kye yasalawo. Era ndi mabega w'omulimu ogwo, okulaba nga nkola kyonna kye nsobola, mulaba, okuyamba ekkanisa.

57 Ekyo kye kirina okuba ekiruubirirwa kya buli Mukristaayo na buli muntu yenna mu kkanisa, kwe kwegatta ne tuba bumu. Kyonna ekkanisa ky'esalawo, ekyo kye tulina okuwagira. Wayinza okubaawo, ka tugeze, e. . . bayinza okubaako ekintu kye baagala okukyusa mu kkanisa. Kale, kati, abayima bwe baba baagala, e. . . bwe wabaawo omuntu omulala yenna ayagala oku, oba bwe baba badiikoni nga be balina kye baagala okukyusa, ekyo bakireeta eri ekkanisa, era ekkanisa n'ekkuŋŋaana wamu. Era endowooza yaffe—yaffe wano bw'eba eyawukana ku ekyo ekkanisa yonna awamu ky'egamba, endowooza eyo leka tugyerekereze, kubanga eyo y'engeri yokka gye tusobola okuyimirira nga tuli bumu. Era ssinga ekkanisa eno munaagenda mu maaso nga bwe muli kati, ne mwegatta wamu, Katonda ajja ku. . . Tebiriiko kkomo, ebyo by'Anaakola, bwe tunaabeera obumu. Tuteekwa okubeera obumu. Bwe tutyo bwe twagala okuba, nga tuli bumu ddala buli muntu ne munne, era nga tweweereddeyo ddala mu mikono gya Katonda.

58 N'ekirala tulina okuba n'omusajja gwe tukkiriza nti abuulira Kigambo kya Katonda. Omusajja oyo bw'aba si ky'abuulira, mufune omuntu omulala akibuulira. Bwe tutyo bwe tulina okuyimirira. Akakiiko k'abayima bwe katanyweerera ku ekyo ekituufu, buvunaanyizibwa bwammwe okulonda omuntu anaanyweerera ku ekyo ekituufu. Era bwe mumulonda, mukinywerereko. Kiri gye muli. Mukinywerereko. Era, ffenna wamu, tuyimiridde ku lwa Kintu kimu, nga ye Katonda.

59 Bwe wabaawo mmemba akola ensobi, temumwesamba. Mumuyambe. Mumuyimuse. Mumutuukirire, mwogere naye. Ekyo Ebyawandiikibwa kye bigamba. Bwe tukola ensobi, leka tugende mu maaso ga Katonda. Naye nga tetunnagenda mu maaso ga Katonda, tulina okusooka okugenda eri omuntu oyo gwe tuba tulumizza.

60 Ekyo nange nnalina okukikola. Era mmanyi nnali nkoze ensobi. Nnalimba, ne nnimbisa ne mukyala wange. Nzikiriza nnakibagambako, wano ku kkanisa. Kyaliwo ennaku ntono ezaakayita, si dda nnyo, waakayitawo wiiki nga mukaaga. Ba looya bankunya, mu kunoonyereza kuno, ne ntuuka okuba nga sikyamanyi kigenda mu maaso. Nnali naakaddayo eka okuva mu wofiisi, okulya eky'emisana. Essimu ey'obwannannyini n'evuga, Meda n'agenda okugyaanukula. N'agibikka awoogererwa, n'aŋŋamba nti, "Ba looya be bakubye n'era."

61 Ne mmugamba nti, "Siyinza kudda mu nsonga eyo

kawungeezi kalala. Mpulira omutwe gulinga ogulimu kanzunzu. Mpulira nga anaatera okutabuka omutwe, banzunza bwe bambuuza kino, bwe bambuuza kiri, bwe bambuuza kiri." Ne mmugamba nti, "Sikyasobola kubigumiikiriza." Ne nsituka, ne mmugamba nti, "Bagambe siri mu nnyumba," ne nziruka ne ŋŋenda emabega w'ennyumba.

62 Bwe nnakomawo . . . Meda mwegendereza nnyo mu bintu ebyo. Yansisinkana ku mulyango, nga ayagala kukaaba. N'ambuuza nti, "Bill, ekyo kye kibadde ekituufu okukola?"

63 Ggwe nga ggwe weemanyi. Nange nneemmanyi. Ne mmugamba nti, "Mazima ddala. Ekyo w'okibagambidde sibadde mu nnyumba." Nnali nkimanyi nti Katonda akinnumiriza. Ne mmugamba nti, "Ekyo w'okibagambidde sibadde mu nnyumba."

N'aŋŋamba nti, "Naye w'akubidde essimu obadde wooli."

64 Ku olwo olw'eggulo ne ŋŋenda okubaako omwana omulwadde gwe nsabira. Naye bwe nnali sinnava waka, essimu yaddamu n'evuga, omuto Joseph n'adduka n'agikwata n'ambuuza nti, "Taata, oyagala mbagambe nti toliiwo?" Mulaba ekibi bwe kyonoona, amaka ago ddala gandikomekkerezza gafaanana gatya?

65 Yokaana Ekisooka, essuula ey'oku 5, n'olunyiriri olwa 21, wagamba nti, "Emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga, tuba tulina obuvumu mu Katonda." Naye emitima gyaffe bwe gitusalira okutusinga, tuyinza tutya okuba n'obuvumu mu Katonda? Tumanyi, kasita tuba nga tulina ekibi ekitaatuddwa, Talituwulira. Ekyo kigumu, naye, kye—kye—kye, ebintu bino ekkanisa ebyetaaga.

66 Awo ne ntanula okusabira omwana ono. Mba mmussaako nti emikono, Mukama n'annenya n'agamba nti, "Walimbye. Tosaanidde kusabira mwana oyo."

67 Ne nkyukira omusajja. Ne mmugamba nti, "Ssebo, ogira olindirako wano. Nnina kye nnina okusooka okutereeza."

68 Ne nkubira looya essimu ne ŋŋenda ku woofiisi, ne nnyingira munda. Ne mmugamba nti, "Labayo, ssebo, nnalimbye. Nnalimbisizza mukyala wange. Yagambye nti ssaabadde mu nnyumba, naye nnadduse buddusi ne ŋŋenda emabega w'ennyumba." Ne nkyatula ne nkimugamba.

69 N'asembera we nnali n'ateeka emikono gye ku bibegabega byange. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bulijjo mbaddenga nkulinamu obwesige, naye ate kati nneeyongedde okukwesiga," n'agamba nti, "omuntu, omwetegefu okutereeza ensobi ze."

70 Ne mmunyumiza, ne mmugamba nti, "Mbadde nnina omwana gwe nsabira, naye Mukama asigadde annumiriza, mu mutima gwange, kubanga mbadde nkimanyi bulungi nti kye nnakoze kikyamu."

71 Kati, enkeera, mukyala wange n'ambuuza nti, "Olaga wa?"

Ne mmugamba nti, "ŋŋenda mu mpuku yange."

72 Ne ŋŋenda mu mpuku yange, eky'engulu wa Charlestown, gye mmaze ebbanga nga ŋŋenda, emyaka n'emyaka. Ne nnyingira munda eyo, ne nsaba olunaku olwo lwonna nga ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, toŋŋanyanga okuddamu okukola ekintu bwe kityo. Nsonyiwa, Mukama, kubanga bwe nnatanudde okuteeka emikono gyange ku balwadde, okusaba, nnanenyezeddwa." Eyo ku ssaawa nga mwenda ez'akawungeezi, ne nfuluma wabweru. Waliwo olwazi olunene oluli awo. Ne ntuula ku lwazi olwo nga ntunudde okwolekera ebuvanjuba, mpanise emikono gyange mu bbanga, ntendereza Mukama. Era waali wasirifu okukamala. Kye nnava ŋŋamba nti, "Mukama, singa . . . Lumu wayita kumpi ne Musa, era agamba nti kyali . . . bwe Wamukweka awo enjazi we zaawukanira, era kyalabikanga omugongo gw'omuntu." Ne ŋŋamba nti, "Oyinza okuddamu n'okikola, ayi Mukama? Ntegeere nti nsonyiyiddwa." Ne ŋŋamba nti, "Bw'Ononnyamba n'ojja mu birowoozo byange . . . " Ne ŋŋamba nti, "Mukama, ssiri wa maanyi nnyo mu bwongo, kubanga ssirina buyigirize." Ne ŋŋamba nti, "Naye— ngezaako kukuweereza. Omutima gwange ogumanyi, era ekyo ssaa . . . nnali ssisaanidde kukikola. Ssaagenderedde kukikola. Nnabadde mpulira nga omutwe gulinga ogwagala okwabika, nnabadde mu kweraliikirira okw'amaanyi ennyo, era nnakikoze mu kaseera mpa we kaaga Ssetaani bwe yakinkozesezza." Ne ŋŋamba nti, "Bw'oba Onsonyiye, leka nkulabe, Mukama."

73 Katonda nga ye Mulamuzi wange; awo wennyini ku mabbali gange, mu kafo akamu awo mu nsiko ne wabaawo ekyatandika okwebonga nga Embuyaga, n'Ejja nga esembera awo ku ludda lw'empuku we nnali, n'ekkirira n'egenda mu kibira. O, ow'oluganda, emirembe egisukkulumye okutegeera kwonna ne ginzikako, ne nkaaba. Ne nkaaba. Ne ndeekaana. Nnakimanya nti ebibi byange byali binsonyiyiddwa. Mukiraba, nnali njawukanye ne Katonda, nga ssiyinza kusabira mwana oyo n'asumululwa.

74 Na . . . Kati olunaku olwaddako waaliwo omusajja okuva e Chicago, omusajja ow'amaanyi ennyo, eyali Omukatuliki eyali yaakakyusibwa, nga emisuwa gy'omu mu mutima gwe gyewaze giringa omupiira gw'emmotoka ogw'omunda gwe bapiseemu omukka, era okumala ebbanga ddene baali baagezaako dda okugirongoosa bagiggyemu, nga bagenda kugisala, naye nga yagaana. Oluvannyuma n'ajja mu kansolingi. Kansolingi oyo, we njogerezeganya n'omuntu okutuusa lwe tuzuula kiki kyennyini ekimutawaanya. Era omusajja yali yaakayingira ati, Omwoyo Omutukuvu n'atandika okwerula obulamu bwe bwonna n'ayogera ekintu kye yakola bwe yali akyali muvubuka muto nga aweereza ku wolutaali mu ekereziya Katolika. N'agamba

nti, “Ago ge mazima gennyini. Ago ge mazima ddala gennyini.” N’ambuuza nti, “Ky’otegeeza nti ekyo kye kinziyiza?”

Ne mmugamba nti, “Ekyo kye kisiikirize kyokka kye ndaba mu bulamu bwo.”

75 N’addayo n’agamba dokita, nti, “Kale, kati muteeketeeke ebikozesebwa, tugenda kukola okulongoosa okwo.”

76 Dokita n’agamba nti, “Kale ka tusooke tuddemu tukebere omutima ogwo nate.” Era bwe yagwetegereza, n’amugamba nti, “Teweetaaga kuloongoosebwa.” Mukiraba?

77 Emitima gyaffe bwe gitusalira okutusinga, twagala kusumululwa okujjuvu. Tetwagala kubeera kkanisa, ya kitundu. Twagala kubeera kkanisa yennyini eyannamaddala oba si ekyo tuleme okubeera ekkanisa. Twagala kubeera Bakristaayo bennyini abannamaddala oba tuleme okubeera Abakristaayo. Twagala kusumululwa okujjuvu okuva eri emize egitutawaanya, okuva mu bibi byaffe, okuva mu ndowooza zaffe embi, okuva mu bikolwa byaffe ebibi, okuva mu bulagajjavu bwaffe, buli kimu kyonna kye twakola. Twagala kusumululwa okujjuvu, kibeere nti abantu bwe bajja mu kkanisa eno, okusabirwa, wajja kubeerewo akabiina kano kokka (oba oli awo nga tebasukka kikumi, oba bibiri) nga batudde wano, naye nga beeweereddeyo ddala mu mikono gya Katonda. Era bwe tunaasaba, Katonda anaawulira okuva mu Ggulu. Katonda ayagala omuntu gw’Asobola okukwata mu ngalo Ze, omuntu gw’Asobola okwogerako n’agamba nti, “Mmulinamu obwesige. Nsobola okusindika, omuweereza Wange ono omulwadde, eri Ekkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, era ekibinja ky’abantu abo balina emmeeme emu.” Waliwo ekijja okubaawo.

78 Kuba, kati mulabe by’Atukolera mu mbeera gye tulimu. Ayinza kukola ki singa tuba n’omutima gumu n’emmeeme emu? Ekyo engeri yokka gye tusobola okukikolamu, kwe kugatta awamu emitima gyaffe mu kwagalana nga ab’oluganda, tugondere woofiisi z’ekkanisa, wamu n’omusumba, n’omusumba agondere Katonda. Olwo Katonda ajja kukola okuyita mu musumba, okuyita mu kakiiko, akke wansi mu kkanisa, nga bonna awamu bali ekintu kimu eri Obwakabaka bwa Katonda. Awo Katonda ajja kuwulira, bwe tunaaba n’ekibinja ekirina obumu. Temuganya kintu kyonna kubateganya. Waleme kubaawo kintu kyonna kibamalamu maanyi.

79 Kati, ekyo ky’ekika ky’omuntu Katonda gwe yateekateekera okulya ensi. Musa yali mujjuvu, yali musajja eyali tasobola kwekkiriranya. Ne bwe waabangawo enyombo n’okuneneŋŋana, n’ebirala, era teyekkiriranya. Kati ekyo Katonda ky’atwagaza.

80 Falaawo yayagala akkirize abaleke bagende, n’amugamba nti, “Musa, mmwe mwenna musobola okugenda, era, naye, abaana bammwe mubaleke, oba mubeeko ezimu ku nte zammwe ze muleka wano.”

81 Bw'atyo ssetaani bw'ayagala Omukristaayo abeere. "Tekijja kuba na kabi konna ggwe okwegatta ku kkanisa, naye togezanga okusonyiwa Jones. Tekijja kuba na kabi konna ggwe okuleeta . . . bw'oba osobola okugenda . . . Teweetaaga kulekayo kufuuwa sigala, oba okuva ku mwenge, oba okulimba, oba okubba, oba okunoonya ensobi, oba okugeya. Teweetaaga kubireka. Weegatte bwegassi ku kkanisa."

82 Naye Musa yali teyekkiriranya. Yali ayagala obununuzi obujjuvu. Yagamba nti, "Tetujja kuleka wadde ekinuulo ekimu kiti. Tujja kugenda na buli kimu ekyaffe, bwe tunaaba tugenda okusinza Mukama."

83 Bw'etyo ekkanisa bw'erina okuba. "Tujja kutwala obutuukirivu. Tujja kutwala obutukuvu. Tujja kutwala Omwoyo Omutukuvu. Tujja kugenda nga ekibinja ekiri obumu bwe tunaagenda ku wolutaali. Tujja kuba kibinja ekyannamaddala. Tetujja kubaako na kye tuleka mabega. Buli kimu tujja kukitwala. Tewajja kusigalawo wadde ekinuulo n'ekimu." Omanyi, era abantu basobola okusaba okutuusa ssetaani lw'anaatuusa n'awanika.

84 Bwe batyo Musa n'ekibinja kye bwe baakola. Baagenda ne bayingira wansi w'omusaayi. Mukiraba nti, tebaalina bununuzi bujjuvu, okutuusa lwe baayingira wansi w'omusaayi. Musa, nga ye, yali bumu ne Katonda, naye Isiraeri teyali. Waali wakyaliwo ekibi. Era beemulugunyiza Musa, ne bamugamba, "Lwaki, kino okola kyaki? Oyongera kutuzaalira mitawaana." Kubanga, Falaawo yayongera okukubisaamu omuwendo gw'amatoffaali, n'ebirala. Oyo ye yali Musa; yali yeeweerayo ddala mu bujjuvu mu mikono gya Katonda, nga yanunulibwa ddala mu bujjuvu okuva mu kulunda endiga, okujja okulunda endiga za Katonda. Ye nga ye, yali yanunulibwa ddala mu bujjuvu. Naye abantu baali tebanunulibwanga, kubanga mu bo mwali mukyalimu okwemulugunya.

85 Ekiro kimu Katonda bwe yalagira wabeewo omwana gw'endiga oguttibwa, ekifaananyi ekyali kyoleka Kristo, omusaayi ne gunnyikibwa mu ezobu, ogwali, omuddo obuddo (ogwa bulijjo, ogutali na gwa muwendo), ne gusiigibwa ku mufubeeto gw'oluggi ne ku myango, ku olwo Israeri lwe yanunulirirwa ddala mu bujjuvu, obutaleka mabega wadde ekinuulo. Byonna ebyali ebyabwe byanunulibwa. Ab'omu maka gaabwe, abaagalwa baabwe, na buli kimu byonna byanunulibwa bwe baayingira mu bujjuvu wansi w'omusaayi.

86 N'ekkanisa awo w'ebeerera nga enunuddwa mu bujjuvu, buli kimu bwe kibeera wansi w'Omusaayi. Ebibi byo bwe biteekebwa wansi w'Omusaayi, okunywa sigala kwo, okuzannya zaala kwo, okukumpanya kwo, okubba kwo, okulimba kwo, buli kimu bwe kireetebwa wansi w'Omusaayi, awo wajja kubaawo obununuzi obujjuvu. Bw'obaako ne gw'osobezza, kitereeze.

Ekyo tosobola kukireeta wansi wa Musaayi, tekijja kusigalawo. Tosobola kukireeta. Waliwo ekitajja kukukkiriza kukireeta. Ggwe nga omuntu bw'oneeweerayo ddala, mu bujjuvu n'obeera wansi w'Omusaayi, wajja kubaawo obununuzi obujjuvu; era ojja kufuna eddembe nga ly'otamanyanganako. Buli kimu kyonna bwe kireetebwa wansi w'Omusaayi, ne kigondera Obwakabaka bwa Katonda, olwo wajja kubaawo okununulibwa okwa nnamaddala.

87 Yesu yali muntu, ddala yennyini. Yali asobola okukaaba nga omuntu. Yali asobola okulya nga omuntu. Yali asobola okukoowa nga omuntu. Yali muntu, ddala yennyini, mu kikula Kye eky'omubiri. Naye ate mu Mwoyo Gwe, Yali Katonda, ddala yennyini mu bujjuvu, n'olwekyo Yaleetera omubiri Gwe okugondera Omwoyo eyamulimu. Olaba, Yakemebwa mu buli ngeri yonna nga naffe bwe tukemebwa. Yali muntu, teyali Malayika. Yali muntu. Yalina okuyaayaana okw'enjawulo n'ebikemo, era nga naffe bwe tubirina. Bayibuli egamba nti Yabirina. Yali muntu, so si Malayika atayinza kukemebwa. Abaebbulaniya 1 wagamba, nti, "Yali . . ." Abaebbulaniya 1:4 wagamba nti, "Yakolebwa okubulako akatono okwenkana Bamalayika." Yali muntu, omuntu ddala yennyini; Katonda yakozesa omuntu ddala yennyini, okusobola okuleeta obununuzi obujjuvu, era n'Amujjuza Omwoyo We. Omwoyo Omutukuvu yali mu Ye, awatali kigera. Era Yakemebwa mu ngeri y'emu ddala nga naffe bwe twakemebwa. Era Yali Katonda ddala yennyini. Yakikakasa bwe Yazuukiza abafu, bwe Yayimiriza obutonde, okuyira kw'amayengo g'ennyanja wamu n'emiyaga egy'amaanyi. Bwe Yayogera eri emiti, n'ebirala, byamugondera. Yali Katonda, munda mu ye. Era Yali asobola okubeera omuntu, kubanga yali muntu, naye Yeeweerayo ddala yenna mu bujjuvu (nga omuntu) mu mikono gya Katonda, olw'okuweereza kwa Katonda.

88 Era Ye ky'eky'okulabirako kyaffe. Tuli basajja n'abakazi. Naye n'ekirala tuli Bakristaayo. Bw'aba Ye ky'okulabirako kyaffe, leka tweweereyo ddala mu mikono gy'Omwoyo Omutukuvu, tusobole okuba abafugibwa Obwakabaka bwa Katonda.

89 Yali muntu kikumi ku kikumi; ate era Yali Katonda kikumi ku kikumi. Naye Yawaayo ebitundu Bye eby'obutonde eri . . . n'ebitundu Bye eby'omubiri, nga kw'otadde n'endowooza Ye Yennyini, n'okukola Kwe nga Ye, n'ebimweraliikiriza nga Ye, n'agamba nti, "Nkola ebyo byokka ebisanyusa Kitange." Kiikyo. Nga yeewereddeyo ddala mu bujjuvu okuva ku luuyi olw'abantu. Bakabona bajja gy'Ali, abasajja ab'ekitalo, ne bamugamba nti, "Nze Labbi, *gundi*," ne bagezaako okumugulirira asobole okwegatta ku bibiina byabwe eby'eddiini. Naye Yali yeewereddeyo ddala mu bujjuvu kubanga Yeesiga Katonda.

90 Omuwandiisi wa Zabbuli teyagamba nti, "Olimununula, kubanga Yanneesiga Nze"? Mukiraba? "Ndinunula Omwagalwa

Wange okuva eri embwa, kubanga Yanneesiga Nze."

91 Mu kaseera ako bwe tuliba tutuuse ku nkomerero y'olugendo lw'obulamu, njagala akinjogereko. Nkimanyi naawe oyagala akikwogereko. Njagala Agambe nti, "Ndimununula okuva eri amannyo g'okufa, kubanga yanneesiga Nze. Ndimununula okuva mu ntaana, ku makya ag'okuzuukira, mmununulire ddala mu bujjuvu, emmeeme, omubiri, awamu n'omwoyo, kubanga yanneesiga Nze."

92 Emirimu gya Yesu gyonna gyakolebwanga nu bujjuvu. Buli kimu kyasumululwanga, ddala, mu bujjuvu. Yasumululira ddala omugenge n'amuwonya ebigenge. Yasumululira ddala omukazi eyalina ekikulukuto ky'omusaayi, n'akimuwonya. Yasumululira ddala ensi okuva mu kibi, bwe Yafa ku lunaku olw'okutangirirwa. Yatusumululira ddala okuva mu buli kibi. Yasumulula Ekkanisa. N'olwekyo tewali nsonga, lwaki tuyita mu bulamu nga tetukozesezza miganyulo gyaffe. Tewali nsonga lwaki tubeera mu mbeera ey'okuwangulwa, kubanga Yawangula ssetaani n'awamba obuyinza bwonna n'amaanyi, n'abiteeka wansi w'ebigere Bye, era tebirina lukusa kukufuga. Tuli Bakristaayo, abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Tetulina kukki-. . . kukkiriza ssetaani kutufuga. Kristo yatusumulula, okusumululwa okujjuvu; yatusumulula okuva mu bubi, yatusumulula okuva mu kibi, yatusumulula okuva mu mize, yatusumulula okuva mu kwogera, yatusumulula okuva—okuva mu kuba abantu abatali ba buvunaanyizibwa, yatusumulula okuva mu bintu ebijama ebya buli ngeri. Yatusumululira ddala mu bujjuvu era n'atuteeka mu mikono Gye emitukuvu; okusumululirwa, ddala mu bujjuvu.

93 Yawonya endwadde zaffe. Yatusumulula okuva mu ndwadde, kubanga ekyo tukirinako ekyapa ekiraga obwannannyini. Aleruuya! "Kubanga yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Ye Muwonya waffe. Y'ensonga lwaki omukazi oli, bambi, polio gwe yali yaziŋŋamya, yali agezaako okulabirira bba eyali aliiriddwa kookolo nga amumazeewo, yatambula n'ayingira mu mitendera mu maaso ga Katonda. Yalina okukkiriza. Era ya. . . Abasawo baali bakoze buli kimu kyonna kye baali basobola okukola, bw'atyo n'agoberera ebiragiro bya Katonda era n'asumululirwa ddala.

94 Abayigirizwa baafuna okusumululirwa ddala mu bujjuvu, okusumululirwa ddala kwennyini mu bujjuvu bwakwo. Lwaki? Kubanga bajjuzibwa ddala mu bujjuvu n'Omwoyo Omutukuvu. Bw'oba oli mmemba wa kkanisa kyokka, nga wakwata bukwasi mu ngalo z'omusumba, oba nga. . . olina obumanyirivu bwe wafuna n'obuukabuuka, oba n'oleekaana, oba n'oyogera mu nnimi, oba ekintu ekirala kyonna; naye nga okyalina ettima mu mutima gwo, okyakola ebintu ebitategeerekeka, olimba, ofuuwa sigala, weegomba abakazi; waliwo ekitannaba kubaawo. Waliwo ekikyamu. "Kubanga oyo ayagala ensi, oba ebintu by'ensi,

okwagala kwa Katonda kuba tekumuliimu." Wawubisibwa. "Mulibategeerera ku bibala byabwe."

95 Ffenna twagala tubeere mu bumu, n'Omwoyo Omutukuvu. Buli mmemba alina okuba mu bumu, ne munne. Okwagala kwa Katonda kuteekeddwa mu mitima gyaffe ku bw'Omwoyo Omutukuvu. Kutulongoosa okuva eri obutali butuukirivu bwonna. Twasumululwa okuva mu bintu by'ensi. Yesu yagamba nti, "Ku kino abantu bonna kwe banaategeerera nti muli bayigirizwa Bange, bwe mubeera n'okwagala, buli omu eri munne," mmemba omu nga ayagala mmemba munne okutuusa lw'ayinza n'okufa mu kifo kye.

96 Bwe wabaawo ekintu ekibi ekibalukawo, abantu b'ensi, abamu ku bakazi bwe bajja ne bagamba nti, "Kaakati, labayo, mukwano, kyandibadde kirungi singa okola *kino*, oba n'okola *kiri*, n'oyambala *kino*, oba n'okola *kiri,* oba n'okola *kino,* ne weeyawula ku kibinja ekyo eky'abatukuvu abeevulunga," n'ebirala bwe bityo, tusangibwa tuli bumu nnyo ne Katonda!

97 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, ekyo ekikemo kya maanyi nnyo." Naye ekyo Kristo kye yafiirira. Ssetaani yawangulwa. Twetaaga kusumululwa okujjuvu. Twagala ekkanisa ennoongoofu era ennyonjo etajaajaamiziddwa, eyanaazibwa mu Musaayi gw'Omwana gw'endiga, ejjudde Omwoyo Omutukuvu, n'obubonero n'ebyewuunyisa n'ebyamagero. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . .kununulira ddala buli omu. [Ebbanga ejjereere ku lutambbi].

98 Ayi Katonda omwagalwa, Totwala bintu okuggyako nga binunuliddwa ddala mu bujjuvu. Wali toyinza kukkiriza ssaddaaka eriko bulemu bwonna. Wali toyinza kukkiriza ssaala, nga mu bulamu bw'omuntu oyo agisaba mulimu ekibi. Wali toyinza kukikola, Mukama. Tewakikola mu mirembe egyayita, n'olwa leero Toyinza kukikola. Naye ssaddaaka eteekwa okuba nga teriiko bulemu bwonna. Mukama Katonda, nga bwe tweyala ku wolutaali, nga obulamu obuwereddwaayo nga ssaddaaka, tuggyeemu, Ai Mukama, obulemu bwonna obw'ekibi. Mpeerayo ddala emmeeme yange mu bujjuvu, n'omubiri gwange, n'amaanyi gange, n'okufuba kwange, wamu n'ekkanisa eno enkya ya leero, nga mbyala ku wolutaali. Tulongoose n'Omusaayi Gwo, era otusonyiwe buli kibi kyonna kye tukoze. Era leka Omwoyo Omutukuvu ow'amaanyi abeerenga ddala mu ffe, n'Okubeerawo Kwe kugende naffe nga bwe tuva mu kkuŋŋaaniro lino enkya ya leero, tutegeere munda mu ffe nti Atusonyiye. N'essaala enaabeera nti, "Tusonyiwe ebyonoono byaffe nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona." Kituwe, ayi Mukama.

99 Beera kumpi naffe kaakano, tuwe omukisa era otukuume okutuusa lwe tunaddamu okusisinkana mu lukuŋŋaana

olw'akawungeezi. Leka tujje n'emikono emirongoofu n'omutima omulongoofu, by'Otaagobe, kubanga twagala okusumululwa okujjuvu okuva mu kintu kyonna, ayi Mukama, ekiyinza okutuziyiza okubeera omusana gw'ensi; ettabaaza eteekeddwa ku lusozi, nga tebikkiddwaako kibbo, wabula ettabaaza eteekeddwa ku lusozi, eyakisa ekitangaala okuluŋŋamya ebigere by'abantu mu kkubo ettuufu. Kituwe, Kitaffe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu, era ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

100 ŋŋenda kusaba Doc . . . Alabika ali mabega wali, oba omu ku badiikoni abali wano. Ekkanisa okusobola okusoma ebintu bino, Doc, obitwale obitimbe awalangirwa ebirango ekkanisa basobole okubiraba nga bwe bafuluma. Kati n'Ow'oluganda Collins, bw'aba waali . . . Ow'oluganda Collins waali? Mumuwe kkopi eno endala.

101 Era, kale, ssebo, ka tulabe kye . . . [Ow'oluganda Branham abaako akapapula k'asoma—Omuk.] Waliwo omuntu ayagala okunsisinkana mu kansolingi. Ekyo bulijjo kikkirizibwa. Tuli basanyufu.

Era nsisinkana abantu kinnoomu mu kansolingi. Mulaba, ky'olina okukola kuba ennamba y'essimu yaffe eyo eri awo. Twa—twatawaanyizibwa nnyo ewaka, ab'ekkanisa wano bakimanyi. Bano babeera bagenyi. Ab'ekkanisa wano bakimanyi bulungi. Walina okubaawo akapapula akateekebwa . . . Nako, nja kusaba bakateekewo wano ku kkanisa, eri abo ababeera bazze. Mulaba, babeera bangi nnyo, nga tetusobola kubakolako bonna mulundi gumu, nga bwe babeera bazze. Mukiraba? Naye tu . . . Tubasaba mukube BUtler 2-1-5-1-9, BUtler. [Ennamba y'essimu yakyusibwa—Omukk.] Era bwe wabaawo mmemba yenna alaba omuntu ayagala, bulijjo mba musanyufu okulaba abantu. Naye tulina enkola eya bulijjo egobererwa. We twogerera waliwo abaakubye essimu, abawerako, mukiraba. Era tujja kubayita, omu ku omu nga bwe bajja. Kale waliwo . . . Luli ekyabangawo, twakikolanga mu ngeri eri awo etali nnuŋŋamu, nga tumala gabayita, abamu ne tubabuuka, abalala ne tubayitako, abantu ne baddayo eka nga banakuwavu n'ebirala bwe bityo. Naye kati buli kimu balina enkola ennuŋŋamu gye bagoberera. Era ekyo kye tugezaako okwogerako kati, mukiraba, okuteeka buli kintu mu nkola ennuŋŋamu, bitereere bulungi.

Era nja kusanyuka okulaba omwagalwa ono, bw'anaakuba ku BUtler 2-15-19 (1-5-1-9), era Mw. Mercier oba Mw. Goad, omu ku bo, y'ajja okwanukula essimu akubuulire ddi lwe tunaakusisinkana. Tulina ekifo wabweru eyo, mulimu n'ebyuma ebiweweeza empewo, era nga kitegekeddwa bulungi okusemberezaamu abantu n'okubasabira. Kituweera ddala essanyu okukikola.

102 Kati ensonga lwaki sijja ku kkanisa, abantu balowooza nti ngezaako kwewala bantu; naye si bwe kiri. Ngezaako ku—

kugoberera nkola yatekebwaawo. Mukiraba? Ekyo kye njagala okubeera, naye si kusosola mu bantu. Buli muntu, yenna, yonna gy'ava, obudde bwonna, mukiraba; ekya langi ye, oba ekikwate ky'enzikiriza ye, tebirina kakwate konna nakyo. Tugendayo ne tusisinkana abantu. Era bwe baba n'ekyetaago, tubeerawo ne tulindirira Katonda okutuusa nga kikoleddwaako. Bwe baba baagala okubaako bye bamanya ku nkuŋŋaana, ekyo nakyo, tukikolako era ne tukiteeka mu fayiro. Ezo zibaawo kusinziira ku kuluŋŋamizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu kwokka. Era ekyo . . . Mu ngeri eyo, ndowooza, buli omu akolebwako mu ngeri y'emu. N'olwekyo, tewali kusosola mu bantu, tewali kusosola.

103 Waliwo abantu bonna abazze okusabirwa, enkya ya leero, abazze nga balwadde nga baagala okusabirwa? Kale. Tewali.

Kale leka tuyimbeyo oluyimba olulungi olw'oku . . . olw'okusinza. Tuyinza kuyimba luyimba ki enkya ya leero? "Kiki ekiyinza okujjawo ekibi kyange?" Olumanyi, Teddy? "Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu." Kiki ekiyinza . . .

[Waliwo mwannyinaffe ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Kale, ssebo. Oyagala asabirwe kati?

Ŋŋenda kusabira omukyala oyo. Nteeke n'emikono ku mukazi ono wano. Kale, koteka omutwe gwo wamu nange, mu kasirise.

104 Ayi Katonda, waliwo omukyala omulwadde ennyo ddala. Mwannyinaffe awaddeyo omubiri gwe, n'atuuka n'okukwatibwa kookolo okuva ku balala, nga ayimirira mu muwaatwa ku lw'abalala. Naye Wamusumulula okuva eri kookolo oyo, ayi Mukama, ennaku ntono ezaakayita, ebintu ebyo lwe byalabisibwa. Kaakano leka akitegeere, ye yennyini, Mukama, ategeere nti kiva gy'Oli. Mmuteekako emikono gyange, nga nsaba okusaasirwa ku lw'omukazi oyo gw'akiikiridde. Leka ekisa kya Katonda, Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu . . . Bwe waba waliwo ekibi kyonna mu mitima gyaffe, Mukama, kitubikkulire, okusooka, naffe tunaagenda, ne tukitereeza. Olwo tutegeere nti tulina okuganja eri Katonda, tulina emirembe ne Katonda, era tugenda kufuna kye tusaba, kubanga tetulina kya kunenyezebwa kwonna. Kituwe, ayi Mukama. Mu Linnya lya Yesu nsabye. Amiina.

Kale.

Kiki ekiyinza okunaazaawo ekibi kyange?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu;
Kiki ekiyinza okunziza obuggya nate?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

O, nga gwa muwendo omugga ogwo

Ogunnaaza ne ntukula nga omuzira;
Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka.

105 Bameka nga owulira nti ebibi byo byonna biri wansi wa Musaayi? Kaakano leka tuluyimbe nga tuyimusizza emikono gyaffe.

Kiki ekiyinza okunaazaawo ekibi kyange?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu;
Kiki ekiyinza okunziza obuggya nate?
Tewali kirala kyonna okuggyako Omusaayi gwa Yesu;

Kati nga bwe tussa wansi emikono gyaffe, leka tukwataganeko mu ngalo.

Nga gwa muwendo . . .

Bwe kiri, buli wamu.

. . . ne ntukula nga omuzira;
Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna,
Okuggyako Omusaayi gwa Yesu gwokka.

Mumwagala? Amiina.

O, Yesu nga mmwagala nnyo,
O, Yesu nga mmwagala nnyo,

Kati mukinyweerereko, kati. Buli omu weekwate ku Katonda.

Nga njagala nnyo Yesu,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.
Ssirimuvaako . . .

59-0712 Okusumululwa Mu Bujjuvu
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org